


Waggwa Nsibirwa (wakati), Omulangira David Wasajja (owookusatu okuva ku kkono) n'abeekibiina ky'abaasomerako e Gayaza.

# Ab'e Gayaza Banoonya obuwumbi 7

Bya DICKSON KULUMBA

OMUMYUKA owookubiri owa Katikkiro era omuwanika wa Buganda, Robert Waggwa Nsibirwa atenderezza omulimu ogukolebwa ekibiina ekitaba abaasomerako ku Gayaza High School bwe beetaba mu buli nteekateeka ezitumbula enkulaakulana y'essomero lino.

Yagambye nti, ekibiina kino kiwa ekyokulabirako ekirungi ebirala ebitaba abaasomerako mu masomero mu ggwanga olw'engeri gye kikolamu pulojekiti ez'enjawulo.

Waggwa yabadde asisinkanye obukulembeze bw'abaasomerako mu ssomero lino ekya Gayaza Old Girls Association e Mmengo abazze okutegeeza Obwakabaka mu butongole enteekateeka gye baliko okuzimba ekifo ekigazi, abayizi mwe banaasabiranga kuba ekiriwo kituuza abaana 400 bokka ng'ate kati lirina abaana 2000.

Yagasseeko nti, Gayaza High School n'Obwakabaka tebyawukanyizibwa kuba muyitiddemu ennono zaffe eziwera okuli n'ekyambalo kya gomesi.

Pulezidenti w'ekibiina ky'abasomerako ku Gayaza High School, Christine Mulimba Kasule yategeezezza nga bwe bali ku kaweefube w'okulaba nga bafuna obuwumbi 7 okumaliriza ekifo kino mu bbanga lya myaka esatu.

Mulimba agambye nti, okusobola okufuna ssente zino, bategese omukolo nga March 21, 2026 ku ssomero e Gayaza okusonderako ssente ng'era Ssaabalabirizi w'ekkanisa ya Uganda, Dr. Stephen Kazimba Mugalu y'ajja okukulemberamu okusaba.